

335/1

Luganda

Olupapula Olusooka

Essaawa Bbiri (2)

July/Aug 2016

MOCK EXAMINATIONS 2016
UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION
LUGANDA
OLUPAPULA OLUSOOKA
ESSAAWA: BBIRI

EBIGOBERERWA:

- Olupapula lulimu ebitundu bibiri: A ne B
- Mu kitundu A londako 1(a) oba 1(b)
- Mu kitundu B londako 2(a) oba 2(b)
- Nnamba 3 yonna giddemu.

EKITUNDU A
Kola nnamba 1 (a) oba 1(b) mu kitundu kino

1. (a) Ku mitwe egikuweereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozzi ya bigambo 400. (Buli mutwe gwa bubonero 50)
 - (i) Omutamiivu tabaaga mbwa!
 - (ii) Ennaku gye nnalabira mu kupangisa enju esulwamu!
 - (iii) Engeri y'okukendeeza ku bumenyi bw'amaateeka mu Yuganda.
 - (iv) Obuvunaanyizibwa bw'omukyala omuganda mu maka.

Oba

(b) Ku mitwe gino londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko emboozzi nga bw'olagiddwa.
(Buli mutwe gwa buponero 25)

- (i) Weefuule akulira abawala mu ssomero lyo oyogereko gye bali ng'obabuulira ebizibu
ebiyinza okutuuka ku muwala azaalidde ku luggya. (Kozesa ebigambo 200)
- (ii) Wandiika omuko mu mawulire ng'olaga ebizibu ebyolekedde eggwanga lyaffe nga
biva ku kuwa baana ddembe liyitiridde. (Kozesa ebigambo 200)
- (iii) Wandiikira omukulu akulira ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuma obutonde
bw'ensi mu ggwanga ng'omutegeeza amagezi ge musaze okulaba nti obutonde
bw'ensi mu kitundu kyammwe bukuumibwa. (Kozesa ebigambo 200)
- (iv) Wandiika endagaano y'okutunda ekibanja kyo ekisangibwa ku mutala Nakitokolo.
(Kozesa ebigambo 150)

EKITUNDU B:

Kola 2 (a) oba 2 (b)

2. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. (obubonero 20)

Nazikuno ng'omuwala tasikira musajja nga n'omusajja tasikira mukazi. Kyabanga kivve
omuwala okusikira kitaawe oba jjajjaawe kaabe mwannyina bwe bazaalibwa. Ennaku zino
abamu bagamba nti n'abawala basikire bakitaabwe. Abamu nno tebakomye ku kukyogera
bwogezi naye bakitadde mu nkola. Jjuuzi wano twalabye omwana omuwala nga bamusikiza
kitaawe eyali omusumba mu kkanisa!

Entabwe evudde ku mululu abaana abalenzi gwe bakoze bwe batunze ebyobusika baana
bannaabwe ne basigala nga tebalina kye bafunye era nga beemagaza abamu ne batuuka
n'okusigala ettayo. Ensonga endala evudde ku kukopperera eby'Abazungu, abazadde abatalina
baana balenzi ne basalawo okusikisa bawala baabwe olw'okuya nti omusika atali mwana
waabwe ye nnyini ayinza okulya eby'obusika by'abaana baabwe.

Wabula buli muzadde yenna atalina baana balenzi ng'atyia nti ebintu bye bijja kutwalibwa
abatali baana be, asobola okubigaba nga mulamu okwo okuya ne kuvaawo. Abalina
endowooza y'okusikiza abawala beerabira nti omwana omuwala tayaza kika kye kuba tazaalira

bba era nga n'ebintu ebitiibwa okutwalibwa abalenzi be batazaala ate biyinza okubulira ewa bba w'omuwala ne bitasobola na kuyamba abo be yallowooza nti omuwala y'alibayamba.

Eky'ennaku, abantu ensangi zino bettanidde nnyo enkola ey'ekizaalaggumba okukakkana ng'abaana abatono be bazadde temuli mulenzi, ekitegeeza nti baba tebazadde musika. Omusaja bw'alaba kimuyitirideko olwo n'atandika omuyiggo gw'okunoonya omusika, oluusi nno bambi eyo gy'awakulira endwadde lumalabantu okukkakkana nga bona bafu nga n'ebintu bye balwanirira bisigadde kutwalibwa bamulyannimire.

Nze nteesa nti tuyige okusiima ekkyo Omukama ky'aba atuwadde ate era tuleme kuzaaya buwangwa. Omukama bw'aba takuwadde baana balenzi, kkiriza mugandawo oba omwana wa mugandawo akusikire ng'asikira omusaayi gwo. Ndaba nga mpaawo magombe gazza, ndaba nga n'abalenzi be muwaana abamu baba bisajjasajja, abatalina buvunaanyizibwa era abatagasa!

Okukkakkana ng'era owa mugandawo ategereera era alimu ku magezi y'akusikidde.
Weetegereze omusikawo!

Oba

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(obubonero 20)

I visited a friend recently and watched in amazement as her three year old son struggled to explain to her a point in English. Out of concern, I asked my friend why her son wasn't addressing her in their mother tongue and her response was both interesting and shocking. "We normally use English at home because we want him to master English before he starts school," She said.

This is a dot-com generation of parent in the computer age. They think it is primitive for a child to speak his or her local language. Before one 'murders' his child with English at home here are some few points to consider.

A local language gives an identity which a child needs for the rest of his or her life. Scientists believe that children think in their first language. Robbing a child of his or her first language paralyses their understanding.

In a recent research, it was established that those who use mother tongue show greater creativity, originally and maturity than those who use English as a medium of instruction.

(Extracted from The New Vision 5th May 2003)

Kola ebibuuzo 3(a) ne 3(b)

3. (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddawo. (obubonero 20)
(i) Omulwadde by'asibaera ali bubi.
(ii) Yeetyabidde akalimubwe yavumye omusomesa we.
(iii) Ekyabadde e Namugongo ngakinegula era abantu baanyumiddwa nnyo.
(iv) Yasindikabwe yamulagira okuddayo eka kuba kye yali ayagala.
(v) Nsereko takuba mupiirabye bigwa.
(vi) ;ela lwete,anti gy'abeeera omanyiyo.
(vii) Munnaffe okutte mu kya kkobekiwoomerera tolina k'ofunye
(viii) Leka kwogerera munga munywi wa mu;bisi mpa ssente zange
(ix) Alya ng'eyasimattuka!
(x) Talina ky'akola akeera nkya kulera

(b) (i) Wandiika sentensi ssatu (3) nga buli emu erimu Nnakongezakikolwa era ogisazeeko.

(obuboneero 3)

(ii) Wandiika amannya ana (4) agagwa mu lubu lwa 10N (obubonero 4)

(iii) Ebigambo bino wammanga biwandiike mu bumu (singular) (obubonero 3)

- empya
- agawala
- ente

BIKOMYE WANO